# 'Mufeeyo ku bitone by'abaana'

Bya MADINAH SEBYALA

ABAKULIRA amasomero bakubiriziddwa okufaayo ennyo ku bitone by'abayizi kubanga bisobola okubayamba okusitula embeera zaabwe ne bafunamu n'ensimbi.


Ng'oggyeeko ekyo, ebitone era biyamba abayizi okukolera awamu ne bafuuka ab'omugaso mu ggwanga lyabwe.

Bino byayogeddwa munnakatemba Aloysious Matovu Joy bwe yabadde ku Theatre La Bonita mu Kampala ng'abayizi mu masomero ga Our Lady of Africa (OLANIAN SCHOOLS) gasabuukulula omuzannyo gwabwe gwe baatuumye *'The Genze – The Weigh we Carry* ogwoleka obuzito abayizi bwe beetisse mu lugendo lwabwe olw'okusoma.

Omuzannyo gulaga nti, olw'okuba tewali afaayo 'kutikkula' bayizi obuzito bwe beetisse, abamu batuuka n'okutabuka emitwe.

Omu ku badayirekita, Dr. Lilian Matovu yagambye nti, omuzannyo guno gwesigamiziddwa ku miramwa esatu okuli akabi akali mu biragalalagala, okukozesa obubi omutimbagano n'obutaleka mabega omwana omulenzi.

Omwami wa Kabaka atwala essazza ly'e Kyaggwe, Vicent Matovu Bintubizibu era nga ye mutandisi w'amasomero gano, yasiimye omutindo abayizi gwe baayolesezza.



Munnakatemba Aloysius Matovu Joy n'abayizi ba Our Lady of Africa ku Theatre La Bonita.